Ugandans to the rescue

10/19/2010

Ababba Motoka mu Kampala bajasi ba UPDF

Bya James Kabengwa

Monday, 18 October 2010 18:38

Twebuuza lwaki ababbi bano bakwatwa kati ngate baluude nga batigomya abantu babulijo? Ono Kazawula abadde amanyidwa bulungi nyo mu filo za Kayihura era nga ne UPDF emumanyi bulungi. Lwaki akwatibwa kati? Lwaki CBS egulwawo kati? Bwofuna anssa yebibuzzo bino, ojja kumanya ekituufu kya Kazawula

Kazawula akolera UPDF era byakola byona abade alina blessings za Kanywamusai, kikirize oba kigane naye nga kye kituufu. Naye kati saawa ya kulonda, Museven alina okubalaga nti akolanyo so nga ate munyazi wa lulango

Kayihura (ku ddyo) ng'alaga ababbi n'ezimu ku mmotoka.

Maj. Gen. Kale Kayihura akakasizza ng'omuduumizi w'ababbi abanyaga emmotoka n'okutta bannannyinizo bw'ali omujaasi wa UPDF. Robert Kazawula ali ku ddaala lya Liuetnant ate ennamba ye mu magye eri RO 77754.

Eggulo Kayihura yalaze mu lujjudde Kazawula ne babbi banne 12. Kazawula yava mu Uganda n'ekibinja ekyali kikulirwa Maj.Gen Fred Rwigyema okulumba Rwanda mu 1994. Rigyema yattibwa n'asikirwa Paulo Kagame. Bwe baawamba e Rwanda olwo Kazawula n'akomawo mu Uganda. Kyokka yagambye nti kikyetaaga okwongera okwetegereza oba Kazawula amagye yagavaamu. Kayihura era tamanyi oba Kazawula mu kiseera we yakwatiddwa yabadde akolera kitongole ky'amagye ekikessi ekya CMI nga bwe kigambibwa. Kazawula okuba omujaasi, yagambye nti kireme kwewuunyisa bantu kubanga ne mu magye eriyo abalina empisa ensiwuufu ng'abantu abalala.

Yabadde ku kitebe ky'abaserikale ba RRU e Kireka we yalagidde abatemu n'emmotoka 11 ezimu ku ezo ezabbibwa. Wano waabaddewo ne Wasswa Ssebaggala ow'e Kajjansi, nnannyini mmotoka omwattirwa owa sipensulo Azariya Kafuluma nga July 13, 2010.

Ababbi nga babazza mu kaduukulu gye bakuumirwa e Kireka.

Emmotoka eno Ipsum, No. UAN 359L yakyusibwa n'essibwako ennamba ya benzi UAL 330D n'ekolerwa kaadi y'ekikwangala eyandibadde eya pikipiki. Baagikwatira ku nsalo nga bagiyingiza mu Rwanda.

Buli mmotoka gye babadde banyaga, nga bagitwalira munnaabwe Gerald Mukasa abadde ajingirira kaadi (log book) olwo omukozi wa URA, Edward Nsubuga n'abakolera ennamba empya. Kaadi zino babadde bazitwala ne beewolerako ssente mu bbanka oba okuzisingira abawola ssente oba okutunda emmotoka.

Wano kwe kulabula nti emmotoka nnyingi zirimu ebicupuli n'olwekyo buli agula emmotoka aweeyo obudde asooke anoonyereze kubanga agula ekibbe naye aba mubbi. Yakyukidde abavuga sipensulo n'abalabula okusooka okwetegereza ababapangisa mu kifo ky'okulowooza ssente zokka.

Bayinza okugula eby'okwekuumisa omuli kaamulali afuuyirwa omuntu n'amuziba amaaso; owa sipensulo okufunayo munne n'amuwerekera oba okusooka okutemya ku poliisi. Ababbi bano, yagambye nti baatandika mu 2006. Balina buli ekyetaagisa. Okubakwata gwabadde mulimu munene ogwetabiddwamu n'abakuumi ba Museveni.

Bano tebaayimbulwe ng'ababbi abalala? Ekyo Kayihura yaweze nti kikafuuwe kubanga beewaddeko obujulizi okugattiddwa obulala poliisi bw'efunye obuba-luma. Abasibe bonna baaleteddwa ku mpingu n'enjegere. Abamu baagezezzaako okukweka feesi.

Godfrey Ssempijja



Emmotoka ezaakazuulibwa ziri 14 ne nnamba 17 ezaggyibwa mu kaabuyonjo ya Kazawula.

Ate poliisi bwe yazzeeyo ewa Kazawula yasanze ennamba ezimu zaatungirwa mu mitto. Poliisi yakakasa abantu bataano abattibwa ababbi bano.

Kuliko Nkata Mugagga eyali bulooka w'ettaka mu JOMAYI ng'abeera Kitebi, Claudia Ndezi eyali akolera ku Issa Ntambi & Sons e Kabuusu gwe baasuula e Buwama-Nkozi, owa sipensulo eyattibwa mu luggya lwa Kazawula e Kabowa, Constatine Ssempala eyaggyibwa e Wandegeya omulambo ne bagusuula e Kajjansi ne Mubaraka eyali mukwano gwa Asiimwe eyattibwa n'asuulibwa mu Lwera ku lw'e Masaka.

Ababba mmotoka n'okutta abantu boogedde

Charles Yiga
Asiimwe ne Kazawula be babadde batta. Nze omulimu gwange kusuula mirambo ku nsiko n'okunoonya akatale k'emmotoka.

Mu July, waliwo gwe twasuula e Bweya-Kajjansi. Obudde bwali kiro. Kye nzijukira nti omulambo gwe twagusuula mu mwala mu lutobazi. Simanyi gye baamuttira, Kazawula ne Asiimwe baleeta omulambo ne tugussa mu mmotoka, ne tuvuga okutuuka we twagusuula.

Olulala waliwo omufu gwe twasuula e Kabowa okumpi n'ekikomera kya Mufti Mubajje. Olumu nnali nabo ne tupangisa emmotoka e Wandegeya. Bwe twatuuka e Kabowa ne

tumugamba nti tutuuse.

Bwe yayimirira, nze (Yiga) ne nfuluma. Kazawula naye yafuluma n'anyoola dereeva ensingo n'afiirawo. Omulambo twaguzza mu mmotoka ne tuguvuga ne tugusuula ku lw'e Masaka. Ono gwe batta ye Constantine Ssempala.

Benard Muhangi
Abaserikale ba RRU abaamukutte baagambye nti Muhangi bw'abba mmotoka, azitwala mu bbanka ne bamuwolerako ssente bw'alemwa okuzizzaayo nga mmotoka zitundibwa. Kyokka yagambye nti si mubbi ye bamuwa mmotoka n'abawola ssente.

Abaserikale ba RRU abaamukutte baagambye nti Muhangi bw'abba mmotoka, azitwala mu bbanka ne bamuwolerako ssente bw'alemwa okuzizzaayo nga mmotoka zitundibwa. Kyokka yagambye nti si mubbi ye bamuwa mmotoka n'abawola ssente.

Abaserikale ba RRU abaamukutte baagambye nti Muhangi bw'abba mmotoka, azitwala mu bbanka ne bamuwolerako ssente bw'alemwa okuzizzaayo nga mmotoka zitundibwa. Kyokka yagambye nti si mubbi ye bamuwa mmotoka n'abawola ssente.

Ssekatawa Mutebi.
Ono mukozi wa mu bbanka e Makindye. Yategeezezza nti Benard Muhangi ye yamutwalira mmotoka ssatu ez'ekika kya Ipsum nga kuliko emu eriko nnamba UAN 434F wabula nga tamanyi oba nzibe oba nedda.

Muhangi yaleetanga mmotoka n'afunirako ssente n'okumugobera ku bintu bye kyokka nange bankwatidde mu babbi baazo." Kyokka aba RRU baategeezezza nti Ssekatawa alina ky'amanyi ku babadde batwala mmotoka zino okubawolerako ssente era alina muganda we mu bbanka eno gwe baamanyako erya Eddie eyadduka.

Gerald Mukasa
Bankwatidde mu Kampala kyokka siri mubbi.

Nze nabadde nvuga makubo gange ne bankwata ne bantegeeza nga bwe nvunaanibwa ogw'okubba mmotoka. Bansabye ssente bante ne ng'aana ne bantwala. Mmotoka mwe yabadde ya kika kya Noah era y'emu ku mmotoka 11, Kayihura ze yalaze bannamawulire.

Yabadde yeewozaako, abaserikale ba RRU abaamukutte kwe kumusaba annyonnyole engeri mmotoka ye gye yattirwamu omuntu, olwo ne bimukalira ku matama.

Robert Kazawula
Aba Bukedde mumpandiseeko nnyo. N'eno munnumbyeyo (n'aseka). Obulamu buli butya ebweru? Abantu mubagambe nti nkomawo. Abo abasajja bankutte lwa kuba ndi mugagga. Bino byabufuzi byennyini.

Eby'okutta abantu sibimanyi. Nze siri musiru kutta bantu. Okubba emmotoka nakwo kwetaaga

kutta muntu? Ebyogerwa bampaayiriza. Olulala Kazawula yatabuka ne Yiga olwa Yiga okubba emmotoka n'atagyanjulira Kazawula.

Baayomba nnyo era Kazawula n'atiisa okutta Yiga okutuusa lwe yamuleetera ku ssente ne biggwa. Kazawula yalinga amubuuza, okimanyi nti oli mukozi wange? Obba otya n'otobaako ky'ondeetera? Emmotoka yali Ipsum.

Ronald Asiimwe Kanyankore
Nnali nkolera Najjanankumbi. Ekituufu omugenzi Raymond Nkata nze nnamukubira essimu n'atusanga e Kajjansi.

Nnamutegeeza nti twali tugenda kumuguza ettaka e Nakigalala. Omugenzi yatuvuga nga tuli ne Kazawula ne Yiga ne tugenda e Nakigalala. Bwe twatuuka e Nakigalala okumpi ne faamu y'omubaka Nabira Seempala ne tugamba Nkata afulume alabe ettaka.

Twali ng'abamulaga ettaka olwo Yiga ne Kazawula ne bamunyoola ensingo n'akutuka. Zaali essaawa nga munana emisana. Omulambo twagussa mu mmotoka ye (Nkata) ne tugutwala mu kikomera kya Kazawula, ne tulya emmere. Bwe twamala okulya ne tudda mu mboozi. Bwe bwaziba omulambo ne tuguyiira asidi mu feesi ne tugutwala e Ndejje.